# *Abaebbulaniya,*
# *Essuula Ey'Okubiri* 2

. . .yasooka n'ajja, n'asoma Ebyawandiikibwa n'abyekkaanya, asobole okubigeraageranya alabe oba ge Mazima oba nedda. Yakikkiriza nti, gaali Mazima, nga asinziira ku Ndagaano Enkadde. Kati, Pawulo yali muntu eyayigirizibwa n'akenkuka mu Ndagaano Enkadde. Ekyo bameka abakimanyi? Yali yayigirizibwa omu ku baakenkuka mu byawandiikibwa abaali basingayo ab'ebiro bye, Gamalyeri, omuyivu ow'amaanyi. Era Pawulo yali ategeera bulungi Endagaano Enkadde. Era ndowooza ekyasooka okumunyeenya, nga bwe nnagambye ku makya, kwali kulaba kuttibwa kwa Suteefano. Wateekwa okuba nga waaliwo ekyatuuka ku Pawulo ekyamusigalamu, kubanga mu biwandiiko bye byonna yasigala akijulizaako nga bw'agamba nti, "Ssisaanidde, kubanga nnayigganya Ekkanisa ne ntuuka n'okubatta. Nze asingayo okuba owa wansi mu bonna."

95 O, naye Katonda ye yali akiraba bulala. Ye yali omu ku basajja abasingayo okuba ab'amaanyi ab'ebiseera ebyo.

Bwe tuliraba Omutukuvu Pawulo, omutume ow'amaanyi,
N'ekyambalo kye ekirungi era ekimasamasa, (omutontomi bwe yagamba,)
O, mazima ddala walibaayo okusagambiza
Ffenna bwe tulisisinkana eruuyi Eri.

Ku Lunaku olwo olukulu bwe ndimulaba nga aweebwa engule y'omujulizi, empeera y'omujulizi!

96 Jjuuzi wano ebbanga si ddene eriyise, nnayimirirako ku mpuku eyo, mwe yawandiikira Ebbaluwa ezo. Bwe baamaliriza ne bamutemako omutwe. Ne bamuwunzika mu mufulejje, omusaayi gwe gukulutire omwo amazzi g'omufulejje gagukulukuse. Naye Omuyudaaya ono, yagamba nti, "Ku mubiri gwange kuliko enkovu za Yesu Kristo. Nnalwana n'ensolo mu Efeso, naye nnwanye okulwana okulungi. Olugendo ndutuusizza. Okukkiriza nkukuumye. Era ekisigaddeyo, waliyo engule ey'obutuukirivu enterekeddwa, eyo Mukama waffe, Omulamuzi asala emisango egy'ensonga, gy'alimpa ku Lunaku luli. Si nze nzekka, wabula n'abo bonna abaagala okulaba okulabika Kwe." Ekyo nga nkyagala nnyo! O, njagala mbalirwe wamu n'abo! Twateranga okuyimba oluyimba olugamba nti:

O, wandyagadde obalirwe nga omu ku abo ab'omu kisibo Kye?

Wandyagadde obalirwe nga omu ku abo
ab'omu kisibo Kye?
Weekuume nga toliiko bbala lyonna mu
mutima gwo, tunula obeere nga olindirira
okutuuka lw'olikiraba;
Akomawo nate.

97 Njagala mbeere omu ku bo. Kati omuwandiisi agenda mu maaso, n'agamba nti:

*Kye kivudde kitugwanira . . . okusinga ennyo okulowooleza ddala ebyawulirwa, kabekasinge tuwaba ne tubivaako.*

98 Nga bwe twakiyigirizaako, ku makya, olunyiriri olw'o 2 lugamba nti, "Kubanga . . . "

*Kuba oba ng'ekigambo* ekyayogerwa *bamalayika . . .*

99 Twakizudde nga *bamalayika* be baani? Bannabbi. "Katonda edda bwe yayogeranga mu biro ebitali bimu na bimu . . . " Kati, tolina kutwala, tetulina kutwala ndowooza yaffe gye tukirinako, wabula erina kuba ndowooza ya Bayibuli. Kati essuula 1, eya . . . essuula 1, olunyiriri 1.

*Katonda, edda bwe yayogereranga mu bitundu ebingi . . . ne mu ngeri ennyingi . . . eri bajjajjaffe mu bannabbi,*

100 Kati yeeyongerayo wano eno, n'addamu n'ayogera nate.

*Kuba oba ng'ekigambo ekyayogerwa bamalayika kyanywera, . . .*

Nga *malayika* kitegeeza ki? "Omubaka." Oba nga omubaka wa Katonda afukiddwaako amafuta . . . Ate kati bwe tuba nga twafukibwaako amafuta, tuli babaka ba Katonda. Tuli babaka eri ensi, abakiise b'Eggulu, nga twatula nti tuli batambuze era tuli bagenyi. Tetuli ba mu nsi muno. Wabula tunoonya Ekibuga ekigenda okujja, nga Omuzimbi era Omukozi waakyo ye Katonda. Tetutereka bugagga ku nsi eno, ababbi mwe bamenya ne babubba, n'ennyenje, n'obutalagge, n'okuvunda mwe bibutuukirako. Kubanga, obugagga bwaffe buli mu Ggulu, eyo Yesu gy'atudde ku mukono ogwa ddyo ogw'Obuyinza. O, nga kirungi nnyo era kya kitiibwa, okukimanya nti:

Essuubi lyaffe terizimbiddwa ku kirala kyonna
Okuggyako ku Musaayi gwa Yesu
n'obutuukirivu bwe;
Byonna ebyetoolodde emmeeme yange bwe
bisaanawo,
Asigala Ye ssuubi lyange era okubeerwa
kwange.

Ku Kristo, Olwazi olugumu, kwe nnyimiridde;
Awalala wonna musenyu ogukka,
Awalala wonna musenyu ogukka.

101 Nga luyimba lukulu nnyo olwo Eddie Perronet lwe yawandiika, mu biseera eby'okuyigganyizibwa!

> Kaakati, *oba ng'ekigambo* ekyayogerwa *bamalayika kyanywera,* . . . (Omubaka wa Katonda bwe yayogeranga Ekigambo, Kyanyweranga.) . . . na buli mpeera *yaweebwanga empeera ey'ensonga;*
>
> *Ffe tuliwona tutya* kaakati, *bwe* tutawuliriza Kristo, Oyo ayogera okuva mu Ggulu?

Kati mwekkaanye:

> *Ffe tuliwona tutya bwe tulireka obulokozi obukulu obwenkana awo;* . . . (Kirowoozeeko.) . . . *obwo obwasooka okwogerwa Mukama waffe,* . . .

102 Kristo bwe yali atandika omulimu Gwe. Kiki kye Yakola? Tumulaba, engeri gye Ya . . . omuteefu, omwetowaze, bw'Ataali muyivu wa bya ddiini mwatiikirivu. Naye Yali mwetowaze, muteefu, mukkakkamu. Teyali mubuulizi wa maanyi. Eddoboozi Lye teryawulirwako mu nguudo.

Naye Yokaana yabuuliranga nga empologoma ewuluguma. Yali mubuulizi.

103 Yesu n'ajja, si nga empologoma ewuluguma, wabula nga Katonda akolera mu Ye, nga akakasa Ekigambo. Katonda yali wamu ne Kristo. Peetero yagamba, ku Lunaku lwa Pentekoote nti, "Mmwe abasajja Abayisiraeri, nammwe abatuula mu Buyudaaya . . . Yesu Omunnazaaleesi, Omuntu eyabalagibwa Katonda mu makkati gammwe, okuyita mu bubonero n'ebyewuunyo n'ebyamagero, Katonda bye Yamukozesa, mu makkati gammwe mwenna, nga mwenna bwe mumanyi." Wekkaanye engeri gye yakibalumiriza. "Mwali musaanye okukitegeera nti ye Ye."

104 Yesu yagamba nti, "Bannanfuusi mmwe." N'agamba nti, "Mufuluma ne mulengera enjuba, ne mu . . . Eggulu bwe limyuka ne libindabinda, mugamba nti, 'Wanaabaawo omuyaga.' Ate bwe liba ttangaavu nga akasana kaaka, n'ebirala, ne mugamba nti, 'Embeera y'obudde ennaaba nnungi.'" N'agamba nti, "Mumanyi okwawula eggulu bwe lifaanana, naye temuyinza, kwawula bubonero bwa biro. Kubanga ssinga muntegedde, mwanditegedde olunaku Lwange."

105 O, nga Yandyogedde n'eddoboozi ery'omwanguka akawungeezi ka leero. Omwoyo We nga ayogera n'eddoboozi ery'omwanguka okuyita mu babuulizi Be nga agamba nti, "Ekiseera kisembedde!"

Twawula. Tufaayo nnyo okumanya ebikwata ku bbomu nnamuzisa. Tumanyi ani anadda mu kifo kya Clark Gable omuzannyi wa firimu, ne ani anaakola *kino, ekyo,* oba *kiri*; oba ani anaafuuka omumyuka w'omukulembeze w'eggwanga. Ebyo

tussaayo nnyo omwoyo okubimanya, naye tetusobola kumanya bubonero bwa biseera bye tulimu. Tuli ku nkomerero.

106 Kiki? Tufaayo nnyo okumanya, "Kiki ekiddako mu kazannyo akagenda mu maaso ku ttivi? Susie azzaako ki?" oba kyonna kye mumuyita. "Ekivvulu kya Arthur Godfrey ekiddako kinaabeera wa? Anaazannya kazannyo ki aka komedi mu kivvulu kye ekinaddako?" Ffe, nga Abakristaayo, endowooza zaffe ne tuzijjuza kacica bw'atyo, mu kifo ky'okubaako ne we twekwese nga tuli mu kusaba, n'okusoma Bayibuli, okumanya obubonero bw'ekiseera kye tulimu.

107 Ekyo ekikireeta, emirundi egisinga, bye bituuti ebinafu, bwe kiri, ebitasimira ddala mu buziba kwerula Mazima ga Njiri. Ekyo tugenda kukyanukulira mu biro ebijja mu maaso. Tetuteekwa kulagajjalira kintu kyonna. N'olaba abantu, nga bwe tuli wano mu Kkuŋŋaaniro lya Branham lino, ne tulaba obubonero n'ebyewuunyo, n'amaanyi ga Kristo eyazuukira; naye ne twesanga nga—nga obudde bwaffe tubumalira mu bintu birala, ne tulagajjalira okuwulira Eddoboozi lya Mukama waffe Yesu, "Tulisimattuka tutya, bwe tulagajjalira obulokozi obukulu obwenkanidde awo?"

108 Olunyiriri olw'o 3, manya olunyiriri olw'o 4. Wano we twakomye, ku makya, ku lunyiriri olw'o 4.

*Katonda ng'ategeereza wamu nabo,* . . . (O, bannange!)

*Katonda . . . ng'ategeereza wamu nabo,* . . .

Muwulirize Ekigambo.

*. . . mu bubonero . . . ebyewuunyo, ne mu byamagero ebitali bimu,* . . .

Ebyamagero *ebitali bimu* kitegeeza ki? Ekigambo *ekitali kimu* kitegeeza ki? *Ekitali kimu* kitegeeza "bingi." "Katonda yakakasa, n'ebyamagero *ebingi*." Ayi Katonda! Nzikiriza nga Kino kinannyikira mu buziba bw'emitima gyammwe. Muwulirize.

109 Ndi omu ku basumba bammwe, wamu n'Ow'oluganda Neville ono. Kino temukyerabiranga. Bayibuli egamba nti, "Bwe wabaawo agolokoka mu mmwe, n'agamba *bw'ati ne bw'ati*, naye ky'ayogedde ne kitatuukirira, temukiwuliriza, kubanga si Nze aba akyogedde. Naye bw'ayogera mu Linnya Lyange, ne ky'ayogedde ne kituukirira, Ekyo mukiwulire." Amiina. "Kubanga nnabbi oyo mba Ndi naye, oba omubuulizi oyo, oba kyonna ky'ali. Ky'ayogedde bwe kituukirira, olwo mumuwulire."

110 Kaakati, ab'emikwano, leka tumuwulire, Omwoyo Omutukuvu nga ayogera mu makkati gaffe, nga ayolesa ebyamagero ebitali bimu, n'obubonero, n'ebyewuunyo. Leka tuleme kumubuusa maaso nga ebintu ebya bulijjo ebibaawo. Leka tujjukire nti Ye Yesu Kristo, abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna; nga akakasa Ekigambo Kye. Tuteekwa

okukikola. O, mbeegayiridde mukikole. Musseeyo omwoyo. Leka buli kirala kyonna kijje luvannyuma, ka gabeere maka go, k'abeere balo, k'abeere mukyala wo, ka babeere abaana bo. Ka kibeere kiki kyonna, leka kijje luvannyuma. Katonda gw'oba okulembeza. Oyinza okuŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, mmukulembeze ne ku baana bange?" Mukulembeze buli kimu kyonna. Katonda gw'oba okulembeza. Leka y'Aba akulembera.

111 Eriya, lumu yakka okuva ku lusozi. Yali malayika, omubaka, omubaka wa Katonda, eyafukibwaako amafuta. N'asanga omukazi nnamwandu nga alonda obuku bubiri. N'amugamba nti, "Genda, onfumbire akagaati, ondeetereyo ne ku tuzzi."

112 Omukazi n'amugamba nti, "Emmeeme yo nga bw'eri ennamu, nninawo obugaati bwa lubatu bubatu, manyanga obutta bwa lubatu bubatu, bwe ŋŋenda okufumbamu akagaati. Nninawo n'otufuta tutono nnyo ddala, twe ŋŋenda okutabula awamu n'obutta, mu kifo ky'omuzigo. Era nnonda obuku bubiri." Y'engeri ey'edda, Abayindi ba nnansangwa gye baakumangamu omuliro, baddiranga enku bbiri ne bazikiika olumu ku lunnaalwo ne bakuma omuliro wakati waazo, ne babeera nga bwe baziseesa. Nange omuliro bwe gutyo ngukumye enfunda nnyingi nga nnina we nsiisidde. Omukazi n'agamba nti, "Kale ŋŋenda kwefumbira akagaati ako nze ne mutabani wange, omwana wange. Era tugenda kukalya tulinde lwe tunaafa." Waali wabaddewo ekyeya kya myaka esatu n'emyezi mukaaga, nga tewali wali mazzi yadde.

113 Nnabbi oyo omukadde, nga tasaaga, n'atunuulira omukazi oyo mu maaso. N'amugamba nti, "Genda, onfumbire akagaati okusooka." Nga kyali kiragiro ekyewuunyisa, omusajja okulagira omukazi nnamwandu, anaatera okufa enjala, nti ye gw'aba asooka okugabula. Yagamba atya? "Kubanga BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, eppipa teriggwaamu, so n'akasumbi tekalikalira, okutuusa Katonda lw'alitonnyesa enkuba ku nsi."

Katonda, y'asooka. Omukazi n'ayingira n'afumba akagaati ako, n'ajja n'akagabula nnabbi. N'addayo munda n'afumba akalala, n'akalala, n'akalala, n'akalala. Era eppipa teyaggwaamu, n'akasumbi tekaakalira, okutuusa Katonda lwe yatonnyesa enkuba ku nsi. Yakulembeza Katonda abaana be ne bajja oluvannyuma. Yakulembeza Katonda ekirala kyonna ne kijja oluvannyuma. Yasooka, kukulembeza Bwakabaka bwa Katonda.

114 Katonda y'ateekwa okutwala ekifo ekisooka mu mutima gwo, ekifo ekisooka mu bulamu bwo, ekifo ekisooka mu buli kimu ky'okola na buli kimu ky'oli. Katonda y'ateekwa okusooka. Tayagala kifo kyakubiri. Tagwaana kuweebwa kifo kyakubiri. Agwanidde ekisingirayo ddala, era ekisooka, ne byonna bye tulina. Abigwanidde. Erinnya Lye ettukuvu liweebwe omukisa!

Kubanga *Katonda ng'ategeereza . . .*,yawa obujulizi, *mu bubonero n'ebyewuunyo, . . . n'eby'amagero ebitali bimu, era ne mu birabo eby'Omwoyo Omutukuvu, nga bwe yayagalanga?*

115 Si ekyo abantu kye boogera, oba ekkanisa kye yagamba, wabula okusinziira ku ekyo Katonda kye yali ayagala kikolebwe. O, twetaaga okunoonya ekyo Katonda ky'ayagala kikolebwe, si kuganja eri muliranwa wo, si kuganja eri abaana bo, si kuganja eri balo oba eri mukyala wo. Wabula, nnoonya Katonda ky'ayagala kikolebwe, era ekyo ky'oba osooka okukola. Olwo ebisigadde byonna, mukyala wo by'ayagala okole n'abaana bo bye baagala okole, binaatambulira ku ekyo. Naye, Katonda gw'oba okulembeza.

116 Kati, mwekkaanye.

*Kubanga bamalayika si be yafuza ensi egenda okubaawo, gye twogerako.*

117 Amakulu nti, Bamalayika ab'ekitalo abaweereza mu Ggulu, Gabulyeri, Mikayiri, Abusinso, n'emitwalo gy'emitwalo emirundi mitwalo na mitwalo egya Bamalayika ab'omu Ggulu; oba emitwalo n'emitwalo gya bannabbi abaali babadde ku nsi, buli omu ku bo; Talina gwe yakwasa kufuga nsi egenda okujja, gye twogerako. Tewali n'omu ku bo! Teyagambako nti, "Isaaya, ye ggwe olifuga ensi." Teyassa nsi wansi wa Eriya kuba nga y'agifuga. Newankubadde okugissa wansi wa Gabulyeri, oba malayika yenna, oba omwoyo gwonna oguweereza.

118 Mwekkaanye mulabe, Pawulo kye yagamba, nga akyagulumiza Kristo, gwe twogerako.

*Naye waliwo ekifo omu we yategeereza, ng'ayogera nti, Omuntu kiki, ggwe okumujjukira? oba omwana w'omuntu,* ggwe okumukyalira?

Omukoze *okubulako akatono okuba nga bamalayika;* omussizzaako engule *ey'ekitiibwa* wamu *n'ettendo, n'omufuza emirimu egy'*omukono gwo:

119 Kati, ekyo bw'oba wandyagadde okukisoma, kiri mu Zabbuli ey'o 8:4-6, Dawudi nga y'ayogera. Kati Dawudi amuyise ani wano? Ekyo kinyweza ensonga yonna, awo wennyini, oba nga nnabadde mutuufu ku kye nnayogedde ku nnabbi, ku makya.

120 Agambye nti, "Kubanga omu ku bamalayika yayogera mu kifo ekimu." Dawudi, omubaka wa Katonda, yali malayika wa Katonda, kubanga yali mubaka wa Katonda. Malayika yagamba, Dawudi yagamba, mu Zabbuli nti, "Wamukola okubulako katono okuba nga Bamalayika ab'omu Ggulu." Malayika yagamba nti Katonda yakola Yesu nga abulako katono okuba nga Malayika, Asobole okumutikkira engule; Asobole okubonaabona n'okulega ku kufa, oluvannyuma alyoke

agulumizibwa nate. Asobole okumuleetera . . . okusikira ebintu byonna eby'ensi. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

121 Kaakati, mu—mu Matayo 28:18, tusomayo bino. Oluvannyuma lw'okukomererwa n'Azuukira ku lunaku olw'okusatu, Yasisinkana abayigirizwa Be n'abatuma okugenda mu nsi yonna, okubuulira Enjiri eri ebitonde byonna. N'agamba nti, "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu Ggulu ne mu nsi mu mukono Gwange. Obuyinza bwonna mu Ggulu, obuyinza bwonna ku nsi, bumpeereddwa." Kyali kitegeeza ki ekyo? Omuntu ne Katonda baali beeggase. Logos yali ayambade omubiri n'attibwa, n'azuukira nate olw'okuggyibwako omusango kwaffe, era ye yali Emanweri eyafukibwaako amafuta emirembe n'emirembe. Katonda yakyusa ekifo Kye mw'atuula, okuva ku kubeera Entebe y'obwakabaka waggulu eri, n'adda mu mutima gw'Omwana We, Kristo Yesu, okubeera omwo nga afuga emirembe gyonna. "Katonda yali mu Kristo." Ye kifo ekisembayo eky'Omwoyo mw'awummulira.

122 Omwoyo mu kiseera ekimu, yaliko mu weema, ekyo mukimanyi, mu weema. "Naye Sulemaani n'amuzimbira ennyumba. Naye, oyo, Ali waggulu ennyo tatuula mu nnyumba ezaakolebwa n'emikono." "Naye Wankolera omubiri."

123 Bw'ogenda mu Kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume, essuula ey'o 7, bwe yali ayogera, yagamba nti, "Bonna baakiraba nga tekinnabaawo. Baamuzimbira weema, Musa, yamuzimbira weema, n'agiteekamu essanduuko, kubanga Katonda yali ku Ntebe ey'Okusaasira. Mu weema eyo teyabeeramu." Kale.

124 Naye kati, "Wankolera omubiri," omubiri gwa Mukama waffe Yesu Kristo, ogwakolebwa okubulako akatono okuba nga ogwa Bamalayika gusobole okulega ku kufa; era atali mulala yenna okuggyako oyo Asingayo okuba waggulu ennyo, Kristo; Omulangira ow'Emirembe, Kabaka wa bakabaka, Mukama w'abaami, Omutonzi wa buli mmunyeenye eri mu bwengula.

125 Ai Katonda! Yekkakkanya wansi okusinga ebitonde bye Yatonda, asobole okununula omuntu (ataalina waka, omuntu ataaliko mwasirizi), n'amuwa amaka mu Ggulu. Yalekayo ebitiibwa by'omu Ggulu. Yalekayo Erinnya erisingayo obukulu mu mannya gonna. Kyokka bwe Yali ku nsi, omuntu n'amuwa erinnya erisingayo okuba erya wansi ennyo, n'agamba nti, "Yali mwana mweboolereze, okusooka kwa byonna." Yazaalibwa mu mmanvu, n'azingibwa mu biwero ebyayuzibwa ku kigoye ekisiimuula ekikoligo ky'ente ennume. Nga talina w'abeera, nga talina maka w'ayinza kugenda. N'ayitibwa, "Beeruzebuli," kabaka w'emizimu. Yajolongebwa. Yawandulirwa amalusu. Yaduulirwa. Yagaanibwa, n'agenda mu bifo ebisingayo okuba ebya wansi ennyo, ne yekkakkanya okutuuka ku "malaaya asingayo obwonoonefu." Omuntu ekyo kye yamukola.

126 Naye Katonda yamuyimusa n'amugulumiza waggulu nnyo n'Atuuka okuba nti alina kutunula wansi okusobola okulaba eggulu. Abantu baamuwa ekifo ekisembayo okuba ekya wansi, ne bamuwa ekifo ekisingayo obubi, erinnya erisingayo okuba erya wansi. Katonda n'amugulumiza waggulu n'amuwa Entebe engulumivu okusinga zonna, n'Erinnya erisingayo mu gonna. Eyo y'enjawulo eri wakati w'ekyo omuntu kye yakola Omwana wa Katonda, n'ekyo Katonda kye yakola Omwana wa Katonda.

127 Yekkakkanya, ffe tusobole okuyimusibwa. Yafuuka ffe, okuyita mu kisa Kye tusobole okufuuka Ye. Yajja eri abatalina we basula, n'Afuuka emmomboze, ffe tusobole okufuna amaka. Yajja eri abalwadde naye Yennyini n'alwala, ffe tusobole okuwonyezebwa. Yajja eri omwonoonyi, "n'afuuka ekibi, Ye mwene," tusobole okulokolebwa.

128 Ky'ova olaba Yagulumizibwa. Ky'ova olaba Ali ekyo ky'Ali akawungeezi kano. Katonda yamugulumiza, era amaanyi gonna mu Ggulu ne ku nsi gaamuweebwa.

129 Omulimu Gwe ogw'oku nsi bwe gwali guwedde, wano ku nsi. . . Bwe Yali ajja ku nsi, olwali okujja bw'Ati, emmunyeenye ey'enkya n'emulangirira nga bw'ali Omwana wa Katonda. Yakankanyanga buli muzimu gwe Yasisinkananga. Erinnya lya Mukama lyebazibwe! Emizimu gyakankana ne gijugumira, ne gisaba okusaasirwa, mu Kubeerawo Kwe. Yee, ssebo. Ggeyeena yonna yali emanyi ky'Ali.

130 Yali muwombeefu, naye nga Talina na w'assa mutwe Gwe, enkuba bw'etonnya ekiro. Ensolo ze Yatonda, "Ebinyonyi eby'omu bbanga birina ebisu, n'ebibe birina empuku, naye Omwana w'omuntu talina w'ayinza kussa mutwe Gwe ogw'omuwendo." Mazima ddala, bw'atyo bwe Yali.

131 Yafuuka ekibi, n'afuuka owa wansi ennyo, n'agaanibwa. Naye emizimu gyo gyali gimanyi ky'Ali. Gyamwegayirira agisaasire. Gyamubuuza nti, "Lwaki Ozze okutubonyaabonya nga entuuko zaffe tezinnatuuka?" Ababuulizi bwe baali bamuyita, "Beeruzebuli, omulaguzi," emizimu gyali gimuyita, "Omwana wa Katonda omulamu," nga gyegayirira agisaasire.

132 O, nga tusobola okusooka ne tuyimirirako awo okumala eddakiika! Ye abaffe, ggwe ani? Omulimu ogwo gw'okola gulina makulu ki? Oba akayumba ako ke tulina kalina makulu ki? Emmotoka gye tulina erina makulu ki?

133 Ggwe omuwala alabika obulungi, eyeematira, endabika yo eyo gy'olina erina makulu ki? Mmwe abavubuka abalina enviiri, ezinyirira, eza munyerere, n'ebibegabega ebyegolodde, lumu mulikootakooka, obukadde bwe bulibaweta emigongo.

134 Naye, Mukama aweebwe omukisa! Olina emmeeme eyazaalibwa ogw'okubiri. Oliba mulamu emirembe gyonna, kubanga Yafuuka ggwe, ggwe okuyita mu kisa Kye osobole okufuuka Ye, n'akukolera n'ekifo.

135 O, ffe abeerowooza okuba nti tufunyeyo ku ngoye empya, tulina eby'okulya awaka, tuzitowa kyenkana ki? Katonda asobola okubitwala mu katikitiki kamu bwe kati. Omukka gwennyini gw'ossa y'Agukutte mu ngalo Ze. Era Ali mu makkati gaffe okuwonya abalwadde, okulangirira n'okwatula, okwogera ebigenda okubaawo, era ne bituukirira ddala buli mulundi nga bw'aba abyogedde. Okutuusa nti afaayo nnyo, n'atuuka n'okuzuukiza n'ak'ennyanja akaali kafudde ne kaddamu obulamu, mu makkati gaffe. Yakuwa nga atwetoolodde, Yakuwa nga ali mu ffe, oyo NDI omukulu era ow'amaanyi.

136 Bwe Yafa, baalowooza nti bamumezze. N'akkirira e magombe. Bwe Yava ku nsi ku olwo bwe Yakomererwa, Yakkirira n'agenda eyo awaali abaabula. Bayibuli egamba nti, "Yagenda n'abuulira eri emmeeme ezaali mu kkomera, eziteenenya mu biseera by'okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, mu biro bya Nuuwa." Bwe Yafa, Omwoyo We n'amuvaamu, Yaddayo n'aba Logos nate. Ye, ndaba, yagamba nti, "Nnava eri Katonda. Nzirayo eri Katonda."

137 Era Katonda ye yali Empagi y'Omuliro eri eyakulembera abaana mu ddungu. Era bwe Yali wano ku nsi . . . Era bwe Yafa, yaddayo n'Afuuka Ekitangaala nate. Pawulo yamulaba, era Yali Kitangaala. Ku bali abalala tekwali n'omu eyamulaba. Baalaba bulabi Pawulo nga agwa ku ttaka. Waliwo Ekintu ekyamukuba, era kyali Kitangaala. Pawulo n'abuuza nti, "Ye ggwe Ani gwe njigganya?"

138 Yamubuuza nti, "Sawulo, Sawulo, onjigganyiza ki?"

N'abuuza nti, "Ggwe Ani?"

139 Ye n'agamba nti, "Nze Yesu, nze gw'oyigganya, era kizibu ggwe okusamba ku miwunda."

140 Bwe yava awo n'agenda anoonyereze ku Kitangaala ekyo. Pawulo yaddayo mu Bayibuli, asobole okuzuula kiki Ekitangaala ekyo kye kyali. Era n'awandiika Ebbaluwa eno. Ye Yakuwa y'omu. Ekitangaala kye kimu kiri ekyali mu ddungu n'abaana ba Isiraeri. Ne Peetero bwe yali mu kkomera, Yali Kitangaala ekyayingira ne kiggula enzigi.

141 Era olw'ekisa Kye, waleme kubaawo yeekwaasa . . . Nyabula, ssinga basobola okwerabira eby'ababaka abataasoma, ne bajjukira nti: omubaka si y'ensonga enkulu, wabula Obubaka. Azzeemu n'akka nate, gyetuli, mu nkula ey'Empagi y'Ekitangaala. Era Atambula nga akola ebyamagero Bye bye bimu n'obubonero, nga tewali kiri bweru wa Bayibuli; nga atambula ne Bayibuli, nga byonna abifugira mu kugonda, nga ayolesa ekitiibwa Kye, nga alaga amaanyi Ge. Erinnya Lye ettukuvu liweebwe omukisa!

142 Mmanyi muteekwa okuba mulowooza ntabuse obwongo; naye, o, nga kya kitalo Ekiwummulo ekyo Ekitaggwaawo

eky'omukisa ekiri mu mmeeme yange, emiyaga ne bwe gikunta, essika lyange linyweredde munda mu ggigi.

143 N'okumulaba obulabi nga Afa, kyali kya ntiisa nnyo, okutuusa nti, omwezi gwagwaamu ekyekango. Enjuba n'ezikira emisana ttuku. Era bwe Yagenda eyo awaali abaabula, [Ow'oluganda Branham akonkona ku kituuti—Omuk.] yakonkona ku luggi, oluggi ne lweggula. Bayibuli egamba nti, "Yabuulira eri emmeeme ezaali mu kkomera, eziteenenya mu biro by'okugumiikiriza okutaakeŋŋentererwa ebya Nuuwa," nga Amaze okufa wano ku nsi. Muganda wange, mwannyinaze, bwe Yafa, omulimu gwe ku nsi gwali guwedde, naye Yali akyakola. N'akawungeezi kano Akyali ku mulimu. Amiina.

144 Yakonkona ku nzigi omwali abaabula. Bayibuli egamba nti Yazikonkona. N'ajulira gye bali nga agamba nti, "Ye nze Zzadde ly'omukazi liri eryayogerwako. Ye nze oyo Adamu gwe yayogerako. Nze Oyo Enoka gwe yagamba alijja n'obukumi bw'abatukuvu Be. Ye nze Mwana wa Katonda omulamu, era mwayonoona ekiseera kyammwe eky'ekisa ekyabaweebwa ne kibayitako. Naye kyalagulwa bamalayika, gye muli, Enoka, Nuuwa, nti nteekwa okujja ntuukirize buli Kigambo ekiri mu Bayibuli ya Katonda. Ndi wano nga omujulirwa mu 'nsi eno ey'abaabula.'" N'abuulira gye bali.

Bwe Yava awo ne yeeyongerayo wansi mu ggeyeena, n'atuuka ku miryango gya ggeyeena, n'akonkona ku luggi. Ssetaani n'aggulawo oluggi, n'agamba nti, "Ku luno nkulina."

145 N'amusikambulako ebisumuluzo mu kiwato kye, n'amugamba nti, "Ggwe ssetaani, omaze ebbanga ddene nga oguumaaza." Kiikino wano, wennyini mu Bayibuli. Ŋŋenda kukituukako mu kaseera katono. "Omaze ebbanga ddene nga oguumaaza, naye Nzize mpambe byonna." N'amusikako ebisumuluzo ebyo n'amukuba ensambaggere n'agwa munda, n'aggalawo oluggi.

N'ajja n'aggyayo Ibulayimu, Isaaka ne Yakobo. Ku lunaku olw'okusatu n'Azuukira, n'abo abaali beebaka mu ntaana ne bazuukirira wamu naye. O, aleruuya! Tekyewuunyisa omutontomi yayimba n'agamba nti:

> Bwe yali omulamu, Yanjagala; bwe yafa,
> n'Andokola;
> Bwe Yaziikibwa, n'Atwalira ddala wala ebibi
> byange;
> Bwe yazuukira, n'Anzigyirako ddala omusango
> emirembe gyonna:
> Lumu Alijja—o, nga luliba lunaku lwa
> kitiibwa.

146 Kiweebwe omukisa ekisiba ekyo ekisibira awamu emitima gyaffe mu kussa ekimu okw'Ekikristaayo, okwagala kwa

Katonda. Bwe Yazuukira, Yali tannaba, kumaliriza. Yalina omulimu omulala ogw'okukola.

147 Bayibuli egamba nti, "Yalinnya waggulu mu Ggulu n'awa abantu ebirabo." Waaliwo embeera eyali ebuutikidde ensi, embeera ey'ekizikiza, n'ennaku, n'okufa, n'okukoowa. Nga essaala tezisobola kutuuka waggulu, kubanga Omutango gwali tegunnaweebwayo. Naye, eggigi eryo Yalyabuluza n'aliyitamu. Yaggulawo ekkubo. Yayabuluzaamu eggigi ly'endwadde. Yayabuluzaamu eggigi ly'ekibi. Yayabuluzaamu eggigi ly'okuggwaamu amaanyi. Yayabuluzaamu eggigi ly'okunyigirizibwa. Yayabuluzaamu buli ggigi lyonna, n'akolera omutambuze oluguudo, kw'anaayita okugenda ku luguudo lwa Kabaka. O, bannange, bwe yatumbiira n'ayita ku mwezi n'emmunyeenye, ne yeeyongerayo ddala waggulu!

148 Emabega We, n'agobererwa, abatukuvu ab'Endagaano Enkadde, Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo. Ne batumbiira waggulu mu bwengula bw'Eggulu. Bwe baali bakyali walako nga tebannatuuka ku Kibuga, mbalaba nga bayimusa amaaso gaabwe. Ibulayimu n'agamba nti, "Ekyo kye Kibuga kye nnayaayaaniranga okulaba. O, jangu wano, Isaaka. Jangu wano, Yakobo. O, twali batambuze era abagenyi ku nsi, naye kiikyo Ekibuga. Wuuyo gwe twalindirira obw'edda."

149 Bayibuli egamba nti baayogerera waggulu ne bagamba nti, "Mweggulewo, mmwe emiryango egitaggwaawo, era mweggule, kubanga Kabaka ow'Ekitiibwa ayingira kaakano."

150 Bamalayika abaali emabega w'emiryango ne baanukula bamalayika abaali erudda wano wabweru, ne bababuuza nti, "Kabaka ono w'Ekitiibwa y'Ani?"

151 Awo bamalayika abaali wabweru, bannabbi, ne babaanukula ne bagamba nti, "Ye Mukama ow'Eggye, Ow'obuyinza mu kulwana."

152 Ne banyiga eppeesa oluggi olunene ne lweggula. Wuuyo n'Atambula nga bw'ayita mu nguudo, Omuwanguzi, nga azze n'obuwanguzi, nga ali wamu n'abatukuvu ab'Endagaano Enkadde nga bamugoberera. N'atuula ku Ntebe ey'obwakabaka, n'agamba nti, "Kitange, baabano. Babo."

153 Kitaawe n'amugamba nti, "Linnya ojje otuule wano, okutuusa lwe Ndifuula abalabe Bo entebe y'ebigere Byo." Nga bwe tweyongera okusoma, ekyo tujja kukiraba wano eno mu Byawandiikibwa. Kale.

154 Muwulirize. Kati tuli ku lunyiriri luno olw'o 8:

> Kale yateeka *ebintu byonna wansi w'ebigere bye. Kubanga . . . mu kuteeka* ebintu *byonna wansi we teyaggyako kintu obutakiteeka . . . wansi we. Naye kaakano tetunnalaba bintu byonna nga biteekeddwa . . . wansi we.*

Okwo, kwe kufa. Tetunnalaba, kufa nga kuteekeddwa wansi we, kuba tukyafa. Okufa tukyakulaba.

Naye, olunyiriri olw'o 9, "Naye tutunuulira Yesu!" Amiina. Muwulirize.

> *. . . tutunuulira Yesu, oyo eyakolebwa okubulako akatono okuba nga bamalayika olw'okubonaabona okw'okufa, ng'assibwako engule ey'ekitiibwa n'ettendo; olw'ekisa kya Katonda alyoke alege ku kufa ku lwa buli muntu.*

Lwaki yakolebwa nga abulako katono okuba nga Bamalayika? Asobole okulega ku kufa. Yalina okufa. Yalina okujja, afe.

155 Labayo, mukwano gwange. Kino, tokyerabiranga. Yesu bwe yali atambula, nga alinnyalinnya akasozi, okufa kwali kuvuuvuumira ku mutwe Gwe.

156 Leka tulabe ekyaliwo mu Yerusaalemi, emyaka enkumi bbiri egiyise. Ddala nga oyinza otya okukigaana? Mpulira eddooboozi ly'ekintu ekijja kikoona mu luguudo. Lyaki? Waliwo ekijja kikoona. Musaalaba ogw'edda gwe baserengesa, nga baguyisa mu wankaaki z'ekibuga Damasiko, gwe gugenda gwekoona ku gayinja. Agayinja ago ne gye buli eno gakyaliwo. Gugenda gwekoona ku gayinja gano, bepputu-pputu. Ndaba ebibambya by'Omusaayi mu luguudo. Gw'ani? Gwa Musajja atalina kibi kyonna ky'akoze; okuggyako ebirungi ebyereere. Abantu baali bazibe ba maaso. Tebaamumanya. Tebaamutegeera.

Oyinza okwebuuza nti, "Baali bazibe ba maaso? Baali basobola okuzibuka amaaso?"

157 Osobola okuba nga olaba n'amaaso go naye nga oli muzibe. Ekyo mukikkiriza? Bayibuli bw'egamba. Mujjukira Erisa bwe yali e Dosani? Yagenda n'aziba abasajja amaaso, n'abagamba nti, "Kati mungoberere." Baali bamutunuulidde naye nga tebamulaba.

158 N'akawungeezi kano abantu bazibe ba maaso. Waliwo omuntu omu okuva mu kkanisa emu gye batakkiririza mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda, yajja gyendi, n'aŋŋamba nti, "Kale nziba amaaso. Nziba amaaso." Kyaliwo lwe twali mu nnyumba y'Ow'oluganda Wright. N'agamba nti, "Nziba amaaso." N'agamba nti, "Lumu, Pawulo yaziba omusajja amaaso." N'agamba nti, "Naawe nziba amaaso."

159 Ne mmugamba nti, "Mukwano gwange, ekyo ssetaani yamala dda okukikola. Osangiddwa oli muzibe wa maaso. Yee, oli muzibe w'amaaso."

160 N'aŋŋamba nti, "Kale wonya omuwala ono omuto awo nange nnaakukkiriza."

161 Ne mmugamba nti, "Naawe lokola omwonoonyi oyo nange nnaakukkiriza." Mazima ddala.

162 N'agamba nti, "Ah, alina okusooka n'akkiriza."

163 Ne mmugamba nti, "Na kino bwe kiri, kirina kujja kuyita mu kisa kya Katonda eky'enkomeredde."

164 Ssetaani, nga ye—ye katonda w'ensi eno, azibye abantu amaaso. "Balina amaaso naye tebalaba," Bayibuli bw'egamba.

165 Wuuno, ayambuka mu luguudo, nga bw'agenda awalula ebigere nga bw'aleka emabega ebibambya by'Omusaayi gw'ebigere bye mu luguudo. Nga *enjuki* y'okufa bw'egenda emuvuuvuumirako, nga emuvuumirako nga bw'egamba nti, "Mu kaseera katono ŋŋenda kukufuna." Nga bw'Agenda anafuwa, nga alumwa ennyonta yeetaaga amazzi.

166 Lumu nnakubwa essasi, ne ngalamira wansi eyo ku ttale, nga bwe nvaamu omusaayi. Ne ndaajana nga nsaba amazzi. Mukwano gwange n'adduka, n'akwata enkuufiira ye n'agifunya n'agisenesa amazzi; agaali galegamye awo, nga galimu n'obukulwe. N'agandeetera, ne njasamya akamwa kange; n'agifunya n'aganjiwa mu kamwa. Kubanga, nnali nvaamu omusaayi nga gufuuwa nga ensulo, awo we nnali nkubiddwa essasi n'emmundu. Nga enkalamata enzita!

167 Lwe nnategeera Mukama wange kye yayitamu, oluvannyuma lw'okuvaamu omusaayi ogwo gwonna ku olwo ku makya, okuva ku ssaawa ssatu ez'oku makya okutuuka ku ssaawa mwenda ez'olw'eggulo, nga avaamu Omusaayi ogwo gwonna. Okusooka, ndaba ekyambalo Kye, nga kijjudde obutondo bw'omusaayi. Obutondo obwo ne bugenda nga bugaziwa n'okwekwata awamu, ne bukola ekibambya ekinene eky'Omusaayi, nga kitonnya ku kugulu Kwe nga bw'Atambula. Ogwo gwali Musaayi gwa Emanweri. O, ensi yali tegusaanira.

168 Naye nga bw'Agenda alinnyalinnya, *enjuki* eno yagenda emwetawulirako. Yamaliriza ekoze ki? Kyaddaaki yamuluma.

Naye, ow'oluganda, buli omu akimanyi nti, ekiwuka oba enjuki, oluba okukuluma bw'eti, olwo lw'eba ekomye okuluma. Eba tekyasobola kuddamu kuluma. Kubanga, bw'evaawo, ekuulamu empiso yaayo gy'ekozesa okuluma.

Eyo ye nsonga lwaki Katonda yalina okwambala omubiri. Yakwatira empiso y'okufa mu mubiri Gwe, n'Akutulamu empiso eyo ey'okufa. Erinnya lya Mukama liweebwe omukisa! Okufa kusobola okuvuuvuuma n'okukuluma ne kukuluma, naye tekusobola kukukola kabi konna.

169 Pawulo, bwe yawulira enjuki eyo nga emwetawulirako, nga okufa kusembedde. N'agamba nti, "O ggwe kufa, empiso yo eri luuyi wa?" Yasobola okusonga e Kalivaaliyo empiso eyo gye yasigala mu mubiri gwa Emanweri. "Obuwanguzi bwo buli ludda wa? Naye Katonda yeebazibwe atuwa obuwanguzi okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo." Weewaawo.

170 Ebintu byonna tetubiraba.

*Naye tutunuulira Yesu, oyo eyakolebwa okubulako akatono okuba nga bamalayika olwa . . . okubonaabona okw'okufa, . . .*

*Kubanga* kyamusaanira *oyo, ebintu byonna— byonna bwe biri ku bubwe era eyabikozesa byonna, mu* kutandika . . . *abaana bangi* . . . era n'afuulibwa *omukulu ow'obulokozi bwaffe . . . olw'*okubonaabona.

Engeri yokka gye Yali asobola okufuuka Omugabe w'obulokozi bwaffe, Yalina okubonaabona.

171 Kati muwulirize Ebigambo bino ebirungi kati. Kaakano muwulirize.

*Kubanga oyo atukuza era n'abo abatukuzibwa bonna bali . . . omu: . . .*

O, awo temulabawo Omuzabbibu n'ettabi? Bonna bali omu.

*. . . kyava alema okukwatibwa ensonyi* okuyitibwa *ab'oluganda,*

Mukiraba? Lwaki? Muwulire, olunyiriri oluddako.

*Ng'ayogera nti, Ndibuulira baganda bange erinnya lyo, ndikuyimbira* amatendo *wakati mu kkuŋŋaaniro.*

*Era nate nti, Nze nnaamwesiganga oyo. Era nate nti, Laba nze n'abaana be* wampa.

Kale *kubanga abaana bagatta omubiri n'omusaayi, era naye yennyini bw'atyo yagatta ebyo; olw'okufa alyoke azikirize oyo* alina *amaanyi ag'okufa, ye ssetaani;*

*era alyoke abawe eddembe abo bonna abali . . .* olwa . . . abali . . . *mu buddu obulamu bwabwe bwonna* olw'entiisa *y'okufa.*

172 Omuntu lubeerera abaddenga atya okufa. Kristo yafuuka ekibi, n'ateekebwa ku ddaala erya wansi, asobole okwetikka okufa. Era Takwatibwa nsonyi kuyitibwa "Muganda" waffe, kubanga Yakemebwa mu ngeri y'emu ddala nga naffe bwe tukemebwa. Era Asobola oku . . . ye mutuufu okukwegayiririra, kubanga Yayita mu kukemebwa kwe kumu kw'oyitamu. Era Yatwala ekifo kyo, nga akimanyi nti wali tosobola kukiyitamu ku bubwo.

173 Kati, tokiraba, muganda wange, mwannyinaze? Ekintu kyonna kisa kyereere. Kyonna kyonna kisa kyereere. Kale, ekikulu si ky'ekyo ky'okola. Wabula ekikulu ky'ekyo kye Yakukolera. Kati, tolina n'ekimu ky'oyinza kukola kiyinza kukugwanyiza kuweebwa bulokozi. Obulokozi bwo kirabo. Kristo yafuuka ekibi, ggwe osobole okufuuka omutuukirivu. Era Ye Mugabe Omukulu omutuufu ow'obulokozi bwaffe, kubanga Yabonaabona ddala nga bwe tubonaabona. Yakemebwa mu ngeri y'emu yennyini gye tukemebwa. Era Takwatibwa nsonyi

kuyitibwa "Muganda waffe," kubanga amanyi bye tuyitamu. O, Erinnya Lye liweebwe omukisa!

> *Kubanga mazima teyayambala* nkula *ya bamalayika; wabula yayambala enkula y'ezzadde lya Ibulayimu.*

174 O, bannange! Teyafuuka Malayika. Yafuuka Zzadde lya Ibulayimu. "Era naffe, bwe twafa mu Kristo, twafuuka Zzadde lya Ibulayimu, era tuli basika nga okusuubiza bwe kwali." Mukiraba? Teyayambala nkula ya Malayika. Teyafuuka Malayika. Yafuuka Muntu. Yafuuka Zzadde lya Ibulayimu, n'akutulira empiso y'okufa mu mubiri Gwe Ye, okusobola okututabaganya atuzzeeyo eri Katonda, era kati atudde awo nga Omwegayirizi. Bannange, tuyinza tutya okugaana Omuntu bw'atyo, mukwano gwange?

175 Muwulirize.

> *Kye kyava kimugwanira mu byonna okufaananyizibwa baganda be, alyoke abeerenga kabona asinga obukulu ow'ekisa omwesigwa mu bigambo ebiri eri Katonda, olw'okutangirira* . . . ekibi *ky'abantu.*

176 Asobole okubeera Omutabaganya! Mulabeeyo, waaliwo obulabe wakati wa Katonda n'omuntu. Era tewali muntu yenna . . .

Baatuma bamalayika, ne bannabbi. Naye baali tebasobola kutwala kifo kyo, kubanga nabo baali balina okwesabira. Ekifo ekyo baali tebasobola kukitwala.

177 Ekyaddako, n'Atuma amateeka. Amateeka gaali muserikale eyatukwata n'atuggalira mu kkomera. Gaali tegasobola kutuggyayo. Yatuma amateeka.

N'atuma bannabbi, n'Atuma abatuukirivu, naye byonna, tebyasobola kuwaayo mutango. Naye Yakka wansi n'afuuka omu ku ffe. O, bannange!

178 Nnyabula ssinga tubadde tukyalina obudde obumala, nnandyagadde mbalage etteeka eryo ery'obununuzi; naye tetubulina, naye kati mu kaseera katono ddala. Ekifaananyi ekirungi kye kya Luusi ne Nawume. Bwe mwetegereza obulungi awo, mu kutabaganyizibwa, engeri omwami, omusajja eyalina okununula oyo eyabanga yabula n'ebintu bye ebyamuggyibwako, yalina okuba ow'oluganda lw'oyo eyaviibwako ebibye. Y'ensonga lwaki Bowazi yalina oku . . . yalina oluganda ku Nawume, asobole okufuna Luusi. Ekirala, yalina okuba nga asaanidde. Yalina okuba n'obusobozi obukikola, okusobola okununula abaabula. Era, Bowazi, ku wankaaki, yalaga obukakafu obwo mu lujjudde, bwe yayambulamu engatto ye, nga obukakafu nti anunudde Nawume n'ebibye byonna. Era yalina okuba nga amulinako oluganda.

179 Era eyo y'ensonga lwaki Kristo, Katonda, yalina okufuuka ow'olulyo lwaffe. Era n'Akka wansi n'afuuka Omuntu. Era n'Ayita mu bikemo. N'ajolongebwa, n'Asekererwa, n'ayigganyizibwa, n'atafiibwako, n'ayitibwa "Beeruzebuli," n'a—n'avvoolwa, n'aweebwa ekibonerezo eky'okufa. Mukiraba? Yalina okuba nga atulinako oluganda. Yalina okuwaayirizibwa, kubanga owaayirizibwa. Yalina okwetikka endwadde, kubanga oli mulwadde. Yalina okwetikka ebibi, kubanga byali bibi byo. Era Yalina okuba ow'oluganda lwaffe. Engeri yokka gye Yali ayinza okutununulamu kwali kuyita mu kubeera wa luganda lwaffe. Era engeri gye yafuukamu ow'oluganda lwaffe, kwali kuyita mu kwambala enkula ey'omubiri ogw'ekibi afuuke omu ku ffe. Era mu ekyo, Yasasula omuwendo n'atununula n'atuzzaayo mu kussa ekimu ne Kitaffe. O, nga Mulokozi wa kitalo! Tewali bigambo bimala bisobola kukinnyonnyola.

> *Kubanga olw'okubonyaabonyezebwa ye yennyini* kwe yayitamu,. . . bw'atyo *ky'ava ayinza okubayamba abo abakemebwa.*

180 *Okuyamba* kitegeeza "okulumirirwa." Eyo, y'ensonga lwaki Yafuuka *kino*, Asobole okukulumirirwa ggwe a. . . alina embeera *enzibu n'ennyangu* z'oyitamu, *n'obuwonvu* bwo *n'obusozi*, n'ebikemo byo ne bikuyinga n'oba nga tokyayinza na kubigumiikiriza. Amanyi engeri y'okukulumirirwa. Abeerawo, okukwegayiririra. Abeerawo, okukulaga okwagala. Ne bw'onaakyama n'owaba, Tajja kukwabulira. Ajja kukunoonya ajje akonkone ku mutima gwo. Mu kizimbe kino temuliimu muntu yaddirira atakimanyi nti Katonda abeera akonkona ku mutima gwe buli lunaku. Era Ajja kukikola ekiseera kyonna ky'onaamala ku nsi kuno nga oli mulamu, kubanga Yakwagala. Yakununula.

181 Abatontomi bagezezzaako, abawandiisi bagezaako, omuntu agezaako okunnyonnyola omulamwa ogwo ogwa "okwagala," naye mu nnimi z'abantu temuli bigambo biyinza kukunnyonnyola. Omu yagamba nti:

> O, okwagala kwa Katonda, nga kwa muwendo
> era kwa mazima!
> Nga tekulojjeka era nga kwa maanyi nnyo!
> Kulibaawo emirembe gyonna,
> Lwe luyimba lw'Abatukuvu ne Bamalayika.
>
> Ennyanja yonna ne bwe tugijjuza bwino,
> N'obwengula bwonna ne buba ebitabo
> eby'amaliba ag'okuwandiikako;
> Na buli kikolo kya kimera ekiri ku nsi ne kiba
> ekkalaamu,
> Nga buli muntu muwandiisi;
> Okuwandiika okwagala kwa Katonda ali
> Waggulu

Kwandikalizza ennyanja ya bwino eyo yonna;
Ka gubeere omuzingo ogw'okuwandiikako nagwo tegwandiyinzizza kukumalayo kwonna mu bujjuvu bwakwo,
Ne bwe gwandyanjuluziddwa okuva eruuyi okutuuka eruuyi w'obwengula.

182 Tolikitegeera. Tetuliyinza kutegeera muwendo gwa ssaddaaka eyo ey'ekitalo, gye Yawaayo, bwe yakka wansi n'atutabaganya n'atuzzaayo eri Katonda. Bwe yamala n'Addayo n'agamba nti, "Kati, Ssiribaleka bamulekwa. Ndikomawo nate mbeere nammwe, era mu mmwe, okutuuka ku nkomerero y'ensi."

183 Era tuutuno wano leero, nga tuli mu biseera eby'enkomerero, wamu ne Yesu y'omu, n'ebintu bye bimu, obubonero bwe bumu, ebyewuunyo bye bimu, obulokozi bwe bumu, Omwoyo y'omu nga akola ebintu bye bimu, Enjiri y'emu, Ekigambo kye kimu, ebirabibwako bye bimu, okulabisibwa kwe kumu, buli kimu. Kitukakatako obutalagajjalira bulokozi buno obukulu obwenkana awo, kubanga tulyanukulira, engeri gye twayisaamu Omwana wa Katonda.

184 Ali awo ku mabbali go akawungeezi kano, ggwe omwonoonyi, naawe eyaddirira. Ogenda kumuyisa otya? Oyinza okugamba nti, "Nze, nja kumwesammula." Naye, jjukira, ekyo tekakutanda n'okikola. Tewali ngeri yadde, n'emu, bw'oba oli mwonoonyi, gy'oyinza kufuluma kizimbe kino n'osigala kye kimu. Tosobola kusigala kye kimu.

185 Piraato, lumu ekiro, yagezaako okumwesammula. Yasaba bamuleetere amazzi anaabe engalo ze. N'agamba nti, "Nze Ebibye tebinkwatako. Ssimulabanganako. Ssiwuliranga na ku Njiri. Ssirina kye njeteeza." Yasobola okumwenaazaako okuva ku ngalo ze? Teyasobola.

186 Ku nkomerero ya byonna, mumanyi ekyatuuka ku Piraato? Yatabuka omutwe. Era engulu eri mu Switzerland, gye twali omwaka oguwedde, nga tubuulira Enjiri, leero waliyo emboozi gye banyumya, egamba nti, waliyo ekidiba ky'amazzi, abantu okuva mu nsi yonna, kye bagenda ne balambula, buli mwaka, mu kiseera eky'okukomererwa. Piraato, yeekasuka mu kidiba ekyo, ne yetta, bwe yabuuka n'agwa mu kidiba ky'amazzi kino n'afiiramu. Era mbu buli mwaka, ku lunaku lwe lumu olwo, amazzi aga bbululu gavulula okuva mu kidiba ekyo, okulaga nti Katonda amazzi ago yagagaana. Amazzi tegasobola kunaaza Musaayi gwa Yesu kugujja ku ngalo zo wadde ku mmeeme yo. Waliwo engeri emu yokka ey'okukikolamu, era engeri eyo kwe kukkiriza Omusaayi ogwo n'ogusembeza nga ekisonyiwo n'otabaganyizibwa ne Katonda.

Ka tusabe.

187 Kitaffe ow'omu Ggulu, tukwebaza akawungeezi kano olw'Ekigambo. "Kubanga okukkiriza kujja kuyita mu kuwulira, era okuwulira Ekigambo." Tukwebaza olwa Yesu. Era nga bwe tulaba ekiseera kino ekikulu, obubonero n'ebyamagero, engeri ebintu bino gye bibaawo ne biyitawo nga tetubitaddeeko mwoyo. Ayi Katonda, zibula amaaso g'abantu abali mu kkuŋŋaaniro lino, akawungeezi kano, basobole okulaba era bategeere nti tuli mu ssaawa ezisembayo. Obudde buggwaayo. Tetukyasigazza kiseera kinene wano, era tulina okulaba Yesu. Era tulitwalibwa okuba abali b'enkwe, kubanga tetulina kya kwekwasa kyonna. Ku makya ga leero, bwe Wawadde okwolesebwa okwo okw'amaanyi, okw'omusajja oyo nga ajja wano, eyavudde mu kyalo ewala eri; era ne tumulaba, awatali kubuusabuusa kwonna, nga asituka okuva mu kagaali k'abalema, n'amaaso ge ne gazibuka. Amagulu ge ne gaddamu endasi, n'adduka n'ayita mu kizimbe, nga ajaguza wamu n'okutendereza Katonda. Kitulaga nti Katonda okuva mu mayinja gano akyasobola okuyimusizaamu Ibulayimu abaana. Ne tulaba okwolesebwa okutali kumu na kumu, nga Yesu bwe yagamba nti, "Ssirina kye nkola okutuusa nga Kitange akindaze. Ssirina kye nnyinza kukola."

188 Omusajja omuzibe w'amaaso yamugoberera, n'amugamba nti, "Tusaasire."

189 Yesu n'amugamba, n'akoma ku maaso ge n'amugamba nti, "Kibeere bwe kityo gy'oli, okusinziira ku kukkiriza kwo."

190 Kaakano, ayi Mukama, Tulaba Yesu. Byonna tetubiraba. Tukiraba nti tukyatwala abamu ku batukuvu bannaffe okubaziika mu ntaana, ne tukyalira n'amalaalo ga bannaffe. Naye tulaba Yesu, eyakola ekisuubizo. Tumulaba nga ali wamu naffe. Si Yesu eyali mu ntaana, si Yesu eyaliwo emyaka enkumi ebbiri egiyise; wabula Yesu ow'akawungeezi kano, ali naffe. Tumulaba nga alabisibwa mu maanyi Ge gonna, n'obubonero, n'ebyewuunyo.

191 Ayi Katonda, tuyambe tuleme kulagajjalira Bulokozi buno obukulu bwe buti. Naye leka tubusembeze, era tubukkirize, twetowaze, era tubutambuliremu okutuusa ku lunaku Yesu lw'alijja okututwala Eka. Kituwe, ayi Mukama. Tukisabye mu Linnya Lye.

192 Era nga tukyakotese emitwe gyaffe, ssimanyi oba nga waliwo omuntu yenna mu kizimbe akawungeezi kano, wansi w'Okubeerawo kwa Katonda okw'Omwoyo Omutukuvu, agamba nti, "Ow'oluganda Branham, nzikirizza nti ndi mukyamu. Nzikirizza nti ndi mukyamu. Katonda ambikkulidde ebibi byange. Era nkimanyi nti ndi mukyamu. Nnyimusa omukono gwange gy'Ali nga nsaba okusaasirwa, akawungeezi kano. Ayi Katonda, nsaasira. Ndi mukyamu." Osobola okukikola?

193 Nga bwe tulindirira okumala akaseera, bwe wabaawo omuntu yenna wano ayagala, wagenda kubaawo okubatiza mu kaseera katono. Kale bw'oba oli mwonoonyi, mba ggwe nnandyenenyezza. Oyinza otya okusambajja okwagala okutenkanika okw'Oyo eyafa? Katonda w'Eggulu omutukuvu yafuuka Omuntu omwonoonyi; si lwa kuba nti Yayonoona, wabula kuba Yalina ebibi byo, era n'abyetikka n'abitwala e Kalivaaliyo. Ddala ekisonyiwo ekyo t'okikkirize? T'okikkirize akawungeezi kano? Nga tukyakotese emitwe gyaffe, wabeewo agamba nti, "Nzijukira, Ow'oluganda Branham. Nnyimusa emikono gyange eri Kristo, nga ŋŋamba nti, 'Nsaasira. Ndi—ndi mukyamu, era njagala kutabagana ne Katonda.'" Osobola okuyimusa omukono gwo?

Kale, bwe kiba nti mwenna muli Bakristaayo, kati, leka tusabe.

194 Kitaffe, tukwebaza akawungeezi kano, nti buli muntu yenna ali munda wano bonna Bakristaayo, era nga ekyo bakyolese bwe basigadde nga basirise, nga balaga nti ebibi byabwe byonna biri wansi wa Musaayi. Era ndi musanyufu nnyo olw'ekyo. Bawe omukisa, ayi Mukama. O, nsanyuse nnyo okuba nti baafuna okutabaganyizibwa okuyita mu Musaayi, okuyita mu kuwulira Ekigambo. Okunaazibwa kw'amazzi, okuyita mu Kigambo, Kitulongoosa. Kituleeta mu kifo ekisingayo obukulu mu byonna, awo—awo omwonoonyi, n'ekizikiza ky'ebibi bye, w'anaazibwa n'atukula n'aba nga omuzira. Amabala g'ekibi amatwakavu ganaaziddwaawo, era tuli bitonde biggya mu Kristo. Ekyo, nga tukusiima nnyo nnyini, olwa kino.

Kati okubatiza bwe kuddako. Nkitegeddeko nti omuwala ono omuto, agenda kubatizibwa, akawungeezi kano, wano wennyini, mu Linnya lya Mukama waffe.

195 Ai Kitaffe Ow'omuggulu, tusaba owe omukisa omuwala ono omuto. Ebirowoozo byange nga biddayo ennaku ntono emabega, bwe nnali ntuuka mu Henryville ne ndaba omuwala oyo omuto omulungi nga atambula awo ku kkubo. Era akawungeezi kano, maama, era mukyala. Akukkirizza nga Omulokozi we. Omwana oyo obulamu bumubeeredde bukalubo, Mukama, Ai Katonda, naye kati alina obukakafu obw'okugenda mu Ggulu. Era tukwebaza olw'ekyo. Tukusaba, ayi Katonda, Owe omukisa omukyala ono kaakano. Era nga bw'ajja okubatizibwa n'amazzi, tukusaba Omujjuze n'Omwoyo Omutukuvu wa Katonda. Kituwe, Mukama. Leka emmeeme ye ebugaane essanyu, okutuuka mu Ggulu! Kikkirize olw'ekitiibwa Kyo. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

196 [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Njagala nsome okuva mu Bikolwa by'Abatume, essuula ey'oku 2; Peetero nga ayogera, ku Lunaku lwa Pentekoote, okubatizibwa okwasookera ddala okukolebwa mu Kkanisa y'Ekikristaayo.

Peetero, nga anenya Abafalisaayo n'abantu abazibe b'amaaso, olw'obutategeera Mwana wa Katonda; nga ayogera nga Katonda bwe yamuzuukiza, n'akakasa n'emirimu Gye, okuyita mu bubonero obw'amaanyi n'ebyewuunyo. Muwulirize kino, bwe yali ayogera. Yali agulumiza Yesu.

197 Buli mwoyo gwa buli Mukristaayo yenna gugulumiza Yesu, si na mimwa gyokka, wabula n'obulamu bwo. Emimwa gyo gisobola okubaako ne gye kyogera, naye nga obulamu bwo bukola kirala. Ekyo bw'okikola, omanyi kye kitegeeza? Obwo bubeera bunnanfuusi. Ate waakiri ŋŋenda mu Ggulu nga omukaafiiri okusinga okugenda nga munnanfuusi. Nzikiriza, nnandiba n'akakisa akasingako ssinga ŋŋenda, mu Ggulu, nga—nga omukaafiiri, okusinga okugendayo nga munnanfuusi. Mazima ddala . . . Bw'ojulira ku Yesu n'ogamba nti "Ye Mulokozi," tambulira mu bulamu obwoleka ekyo ky'ojulira, kubanga obwo bwe bulamu abantu bwe bagenda okukusuubira okutambuliramu. Ekyo bwe kiri. Tambulira mu bulamu Omukristaayo bw'asaanye okutambuliramu. Ekyo twakyogeddeko leero ku makya.

198 Kati, Mukama nga ayagadde, enkya akawungeezi, manya . . . ku Lwokusatu akawungeezi, tujja kukwata ku ssuula eno ey'oku 3, era nga ssuula nnyuvu nnyo. Kale kati, mugezeeko okujja ku Lwokusatu akawungeezi. Bameka abanyumirwa Ekitabo kino, mu kuyigiriza kwa Ssande sukuulu kuno? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] O, mwebale nnyo. Ekyo kirungi nnyo.

199 Kati, njagala nsome okuva mu Bikolwa by'Abatume, essuula ey'oku 2, okutandikira ku lunyiriri olwa 32.

> *Yesu oyo Katonda yamuzuukiza, fenna ffe . . . bajulirwa.* (Baali bakimanyi.)
>
> *Awo bwe yalinnyisibwa ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, n'aweebwa okusuubiza kw'Omwoyo Omutukuvu eri Kitaawe, Afuse kino, kye mulabye, kaakano kye muwulidde.*

200 Kati mumuwulire nga ayogera ku Dawudi, omu ku bamalayika.

> *Kubanga Dawudi teyalinnya mu* ggulu*: naye yayogera yennyini nti,* MUKAMA *yagamba Mukama wange nti, Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo*
>
> *Okutuusa lwe nditeeka* abalabe bo *okuba entebe y'ebigere byo.*

Dawudi yali tasobola kwambuka waggulu; kubanga yali wansi wa musaayi ogw'ente ennume, n'embuzi, n'endiga. Naye kati yali asobola okulinnya waggulu; kati yali wansi wa Musaayi gwa Mukama waffe Yesu. Kale baanukula eri Musaayi ogwo gwokka nga guyiiriddwa. Omusaayi gwa Kristo bwe gwayiibwa,

abo bonna abaali baafiira mu kuganja, baazuukira, bwe kiri, ne bambuka ne bagenda mu Kitiibwa.

201 Kati wuliriza.

> *Kale mazima bamanye ennyumba yonna eya Isiraeri*. . . (Wulira kino.) . . . *nti Katonda* afudde *Yesu ono y'omu, gwe* mwa . . . *mwakomerera, Mukama era Kristo*.

Ate ekyo? Era Akyali Muperesoona ow'okusatu mu tiriniiti, oba Ye tiriniiti yonna mu bulamba bwayo? Ye bujjuvu bw'obulamba bwa Katonda bwonna, mu mubiri.

202 Teriiyo kintu kiyitibwa Bakatonda basatu: Katonda Kitaffe, Katonda Omwana, ne Katonda Omwoyo Omutukuvu. Ekyo tekirina na we kiri mu Byawandiikibwa, tekiriimu. Tekirina we kiri. Tewali we twali tulagiddwa kubatiza "mu linnya lya Kitaffe, ne mu linnya ly'Omwana, ne mu linnya ly'Omwoyo Omutukuvu," tekirina we kiri mu Byawandiikibwa. Ekyo kiyiiye kya Bukatuliki, si njigiriza ya kkanisa Eyawakanya obukatuliki. Nsaba omuntu yenna andageyo Ekyawandiikibwa kimu kyokka omuntu yenna we yali abatiziddwa mu ngeri endala yonna etali mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo. Jangu, okindage, nja kwetimbako akapande ku mugongo akagamba nti, "Munnanfuusi, era nnabbi ow'obulimba, omuyigiriza ow'obulimba," ntambule nako mu nguudo. Teriiyo kintu kya ngeri eyo. Tewali muntu yenna yali abatiziddwa mu ngeri eyo. Ekyo kiyiiye kya Bukatuliki, era si njigiriza ya makanisa agaawakanya Obukatuliki.

203 Oyinza okuŋŋamba nti, "Matayo 28:19, Yesu yagamba nti, 'Kale mugende mu nsi zonna, muyigirize amawanga gonna, mubabatize mu Linnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu.'" Ekyo kituufu.

Naye si, "Mu linnya lya Kitaffe, linnya ly'Omwana, linnya ly'Omwoyo Omutukuvu." Kiri mu *Linnya* lya Kitaffe, *Linnya* limu (so si mannya), erya Kitaffe . . .

*Kitaffe* si linnya. Ekyo bameka abakimanyi? Bataata bameka abali wano? Muyimuse emikono gyammwe. Abaana bameka abali wano? Muyimuse emikono gyammwe. Abantu bameka abali wano? Muyimuse emikono gyammwe. Kale. Kaakati, erinnya lyo ggwe ani? Toyitibwa taata, toyitibwa mwana, ate toyitibwa muntu.

204 Lumu waliwo omukazi, eyali omukkiriza omukuukuutivu akkiriza nti bakatonda bali basatu abeetongodde, yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, naye Omwoyo Omutukuvu linnya."

205 Ne mmugamba nti, "Omwoyo Omutukuvu si linnya, Omwoyo Omutukuvu ky'ekyo ky'Ali. Ekyo nga *ye* Mwoyo Omutukuvu, naye si linnya, wabula ky'ekyo ky'Ali. Ndi muntu, naye erinnya lyange siyitibwa muntu, erinnya lyange nze William Branham."

206 N'olwekyo, bw'Aba yagamba nti, "Kale mugende, muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza okuyingira mu *Linnya* lya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu," oluvannyuma Peetero, nga wayiseewo ennaku kkumi, n'agamba nti, "Mwenenye," kati, wano, muwulire kino:

> Era *bwe baawulira ebyo, emitima gyabwe ne gibaluma, ne bagamba Peetero ne . . . abatume abalala nti, Abasajja ab'oluganda, tunaakola tutya?*
>
> *Peetero n'abagamba nti, Mwenenye,* buli muntu mu mmwe, era mubatizibwe mu *linnya lya* Mukama waffe *Yesu Kristo okuggyibwako ebibi byammwe, munaaweebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu.*

207 Kati Peetero yakola ekyo Yesu kye yamugamba obutakola? Yali tatabuddwa, ffe tutabuddwa.

208 Ku Bikolwa by'Abatume 2:38, Abayudaaya baabatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, nga bannyikibwa.

Mu Bikolwa by'Abatume, essuula ey'o 8, tukiraba nti Firipo yagenda n'abuulira eri Abasamaliya, n'ababatiza mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, Abasamaliya.

Mu Bikolwa by'Abatume 10:49, Peetero yalagira Ab'amawanga okubatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo.

209 Pawulo, Ebikolwa by'Abatume 10:5, "Bwe yayitira mu njuyi eziri waggulu mu Efeso, n'asanga abayigirizwa." Baali bayigirizwa Ababaputisiti; bonna, baali, Babaputisiti. Baali baakyusibwa oluvannyuma lw'okubuulirwa omubuulizi Omubaputisiti erinnya lye, eyali, a—ayitibwa Apollo. Era yali mubuulizi Mubaputisiti, "Era yali akakasa nga akozesa Bayibuli nti Yesu ye Kristo."

Pawulo n'ababuuza nti, "Mwali mufunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde mukkiriza?"

210 Ne bamugamba nti, "N'okuwulira tetuwuliranga nti waliyo Omwoyo Omutukuvu."

211 N'ababuuza nti, "Kati mwabatizibwa mutya?"

212 Ne bamugamba nti, "Ffe omusajja y'omu eyabatiza Yesu naffe ye yatubatiza, mu kidiba ky'amazzi kiri eri. Ekyo kitumala."

213 Pawulo n'abagamba nti, "Okwo okubatizibwa tekukyakola. Muteekwa okuddamu, ne mubatizibwa." Pawulo n'abalagira baddemu babatizibwe, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo. N'abassaako emikono, Omwoyo Omutukuvu n'abakkako. Kituufu. Yee, ssebo.

Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi,

Ekkubo erigenda mu Kitiibwa mazima ddala oliriraba;
Mu kkubo eriyita mu mazzi, leero mwe muli Omusana,
Nga oziikibwa mu Linnya lya Yesu ery'omuwendo.
Abato n'abakadde, mwenenye ebibi byammwe byonna,
Omwoyo Omutukuvu ddala anaayingira;
Omusana ogw'akawungeezi guzze,
Era ddala kituufu nti Katonda ne Kristo bali Omu.

214 Ekyo Bayibuli ky'egamba. Bwe kiri. Kye kiseera, ke kaseera mwe tusaanidde okwenenyeza.

215 Muntegeeza, mumbuulira bwe muba mumalirizza, ku kidiba. Era tujja . . . [Ow'oluganda agamba nti, "Tumalirizza."—Omuk.] Mumalirizza? Kale, kati tusobola okusika entimbe.

216 Kati, Mukama abawe omukisa kaakano, nga bw'agenda mu maaso n'okubatiza. Mwenna musobola okulaba wano?

57-0825E Abaebbulaniya, Essuula Ey'Okubiri #2
Kkungaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org